# Abanoonyereza ku ddagala lya siriimu baagala ssente

Bya JALIAT NAMUWAYA

BANNASSAAYANSI abanoonyereza ku ddagala lya siriimu gabeesibye olwa Gavumenti okulemererwa okubawa ssente ezimala okubayambako mu kunoonyereza.

Okunoonyereza okwakasembayo mu kulaba nti, obulwadde buno mu Uganda businga mu bantu abali wakati w'emyaka 15-49 nga Bannayuganda abali mu 1,400,000 bali ku ddagala.

Bannassaayansi bannyonnyodde nti, bali okusoomoozebwa olw'ebbula ly'ebikozesebwa mu kunoonyereza.

Akulira ekitongole ekivunaanyizibwa mu kunoonyereza ku kawuka ka siriimu ekya Joint Clinical Research Centre (JCRC), Dr. Cissy Kityo Mutuluuza, yagambye nti, Pulezidenti baamunnyonnyola ne bamusaba abakwatireko babeere nga nabo beenyigira mu kunoonyereza baleme kulinda nga biva mu mawanga g'ebweru byokka.

Bannassaayansi okusingira ddala ab'amawanga ga Afrika mu kunoonyereza ku ddagala eriweweeza ku kawuka erya ARV's aba JCRC bagamba nti, balekebwa bbali so ng'abantu 65 ku 100 abatawaanyizibwa siriimu b'amawanga ga Africa. Kye bava ku mulundi guno tebaagala kulekebwa bbali.

Baasinzidde ku kitebe kyabwe e Lubowa mu kutongoza kaweefube w'okubuna amasomero ga siniya nga basomesa abayizi ku kabi akali mu kwegayaalirira ne bakwatibwa obulwadde bwa siriimu.



JALIA NAMUWAYA

Akulira JCRC, Dr. Cissy Kityo ng'asanyuka n'abayizi abaasinze mu kubaganya ebirowoozo ku kumalawo siriimu.